# Mmengo yeeyamye okutumbula ebyobulimi

Bya LUKE KAGIRI

MU kaweefube ow'okutumbula ebyobulimi, Obwakabaka bwa Buganda butongozza okutandikawo ebifo mu buli Ssaza, we bagenda okuyambiranga abalimi nga babasomesa n'okubatuusaako ebintu eby'omulembe ebikozesebwa mu bulimi.

"Twagala okulaba ng'abalimi bakubisa mu bintu bye balima era n'abasobola nga babyongerako omutindo olwo basobole okuganyulwamu obulungi mu mulimu gwabwe ate tusobole n'okugoba obwavu," Omumyuka wa Katikkiro wa Buganda owookubiri Robert Waggwa Nsibirwa bwe yagambye mu tawuni e Mubende ku Mmande mu kuggulawo ekifo ekisoose ekyayitiddwa 'Ssemaduuka w'ebyobulimi.

Waggwa yakunze abantu ba Ssaabasajja okugoberera ennyo enkola za Buganda n'agamba nti singa bakikola zisobolera ddala okwongera okusitula obulamu bwabwe mu mbeera eze njawulo.



Waggwa Nsibirwa (ku ddyo) nga bamwaniriza.

Mu kifo kino, wagenda kuberangawo ebikozesebwa mu bulimi ebyomulembe ng'ensigo ennungi, eddagala eddungi ate wasuubirwa okubeerawo n'abalimisa abanaawanga abalimi amagezi ku nnima eyomulembe. Mu nkola eno, Obwakabaka bwa Buganda bukolaganye ne banka ya Stanbic ng'eyita mu kitongole kyayo ekyebyobulimi.

Emmanuel Naigombe Kisakye, akulira ebyobulimi mu banka eno yagumiza abatuuze nti bagenda kuganyulwamu nnyo mu kifo kino era n'abakunga okukikozesa obulungi.